# Poliisi enunudde abaana babiri abaawambiddwa

Bya PAUL MUWONGE NE JOANITA NANGONZI

POLIISI y'e Bulaga enunudde abaana babiri ababadde babbiddwa omukozi w'awaka, nga bazuuliddwa e Nakiganda ekisangibwa mu disitukiti y'e Kassanda.

Abaana abaanunuddwa kuliko Mark Makumbi 10, ne David Ssentamu 9 nga baasangiddwa mu maka ga Goretti Nakanjakko ng'ono ye nnyina w'omukozi abadde akuuma abaana bano e Nakabugo Bbira.

Nnyina w'abaana bano, Agnes Tushabe omutuuze w'e Nakabugo Bbira ku lw'e Mityana yategeezezza nti, yakomyewo awaka ku Mmande n'asanga ng'omukozi Shanita Namyalo 24, awaka taliiwo nga n'abaana be abalenzi bombi tebaliiwo. Agamba, ennyumba yasanze nzigule nga n'engoye z'abaana teziriiwo!

Yeekubidde enduulu ku poliisi y'e Bulaga, eyalondodde essimu ya Namyalo. Wabula baagikubyeko nga teriiko, ne basalawo okunoonyereza ku ssimu z'abadde akubako okwabadde eya nnyina, Gorret Nakanjakko 52, n'omusawo w'ekinnansi Steven Lubowa nga bombi babeera mu kyalo Nakiganda mu disitulikiti y'e Kassanda.

Poliisi y'e Bulaga yategeezezza nti, baalondodde essimu ya Namyalo, Nakanjakko ne Lubowa okutuusa lwe baazudde amaka ga Nakanjakko.

Poliisi yasanze Nakanjakko n'abaana bano abaabadde banoonyezebwa ne bamubuuza muwala we gy'ali. Yabategeezezza nga bwe yamulekedde abaana n'agenda ew'omusawo w'ekinnansi, Steven Lubowa, aludde ng'amujjanjaba obulwadde bw'ekikulukuto.



Omusamize eyakwatiddwa n'abaana ababbiddwa ate ku kkono ye Gorret Nakanjakko. Kozesa Vision Digital Experience App olabe vidiyo.

## POLIISI YEESOZZE ESSABO NG'ENOONYEREZA

Nabo beefudde abalwadde ne bagenda mu ssabo lya Lubowa, eyabaanirizza n'atandika n'okubakolako emikolo. Baamubuuzizza Namyalo gye yeekwese n'abategeeza nti, oyo mulwadde we gw'aludde ng'ajjanjaba ekikulukuto.

Yabategeezezza nti, Namyalo yamujjanjabyeko kyokka ku Ssande yazzeeyo e Kampala era taddangamu kumulaba. Poliisi yamutaddeko empingu n'emukunguzza ppaka ku poliisi y'e Bulaga.

Ye Lubowa gwe twasanze ku poliisi y'e Bulaga yategeezezza nti ku Ssande Namyalo lwe yakomyewo e Kampala, yamusuubizza okukomawo ng'amuleetedde bakasitoma. Ye Gorretti Nakanjakko yawolerezza muwala we nti, tewali kikyamu kye yabadde agenda kukola ku baana n'agamba nti, kirabika tewali gwe yabadde agenda kubalekera, kwe kubamutwalira naye teyamubuulira gye yabaggye.

Yayongeddeko nti, yakomye okulaba muwala we ku Lwokubiri ng'aliko mukwano gwe gw'awerekera.

Omwogezi wa Poliisi mu Kampala n'emiriraano, Racheal Kawala yategeezezza nti, agenda kutuukako ku poliisi y'e Nakabugo okwongera okuzuula ekituufu.





Shanita Namyalo eyabbye abaana, poliisi emuyigga.